## OMUVUBUKA AKWATIDDWA E MBALE

POLIISI e Mbale, ekutte omuvubuka ow'emyaka 16, ku bigambibwa nti yasobezza ku mwana ow'emyaka 12. Bino, bibadde ku kyalo Wangito Cell mu muluka gwa Tsabanyanya mu Industrial Division mu kibuga Mbale, omuvubuka (amannya galekeddwa) ng'agambibwa okuvumbagira omwana n'amusobyako. Omwana ono nga ba muliraano, baabadde bamutumye sukaali ku dduuka akawungeezi, kwe kumuvumbagira n'amukabassanya, wakati mu kumutiisa okumutuusaako, obulabe. Omwogezi wa poliisi e Mbale, Rogers Taitika, agambye nti baatutte omwana mu ddwaaliro okufuna obujjanjabi olw'ebisago ebimutuusiddwaako.

